Bujagali Hydropower Project (HPP)

http://www.bujagali-energy.com
eri pulojekiti ekola amasanyalaze agaweza megawaati 250 ezimbibwa Bujagali Energy Limited (BEL). BEL yatandikibwawo era yatekebwamu sente aba Industrial Promotion Services(Kenya) ne SG Bujagali Holdings Limited eyekutte ku Sithe Global Power,LLC(USA).Pulojekiti eri mukuzimbibwa ku mugga Kiira okuliraana tawuni y'e Jinja mu Uganda.

Embeera nga 30 Sept 2009

Okuzimba okwakakolebwako

Ebikwata ku pulojekiti:

Yatandikibwa: 26/6/07.
Erigulwa: Mu Makati g'omwaka 2011.
Ebbanga erisigadde: Emyezi abiri.
Ekikoledwaako:

Eby'enkanika n'enzimba	**80%**
Eby'embalirira	**87%**
Eby'enzimba	**45%**

Okuteeka mu nkola ebyategekebwa ku mbeera zabantu n'obutonde bwensi (SEAP).

Okuva mu gw'omusanvu 2009 okutuuka mu gw'omwenda 2009, BEL ebadde eteeka mu nkola ebigendererwa bya SEAP era ekoze kinene nnyo mu kuzimba pulojekiti eno eyamasanyalaze agaweza megawaati 250.Egimu ku mirimu emikulu egikoleddwa gy'egino : Okukulaakulanya amalwaliro, okumaliriza essomero lya Namilyango Nursery school ate n'okulikwasa abanalivunanyizibwako, okuyamba abatesobola n'ebiralala bingi.

Eno ebaluwa y'amawulire eraga enkolagana y'abantu era eraga entabagana y'abantu n'emirimu egikoledwa okuva mu gw'omusanvu 2009 okutuuka mu gw'omwenda 2009. Ebbaluwa eno era ewandikiidwa mu luzungu n'emu lusoga

Nyumirwa okusoma.

Obweyamo bwa BEL

BEL yewaddeyo okulongoosa embeera z'abantu okugeza: amazzi, eby'ensoma, eby'obulamu n'okuyimirizaawo eby'enfuna ekimu ku bigendererwa bya CDAP.

BEL eteeseteese era n'eteeka mu nkola engeri zonna ezisoboka okukuuma ebitonde byonna awamu n'egyebisula, amazzi , eby'enyanja ebiriwo n'amalundiro gaabyo awamu n'enkulaakulana ezisuubirwa okubeerawo nga namungi w'abakozi okuyingira mu pulojekiti , ebiwuka ebisasanya endwadde n'ebyobulambuzi ebiri wansi wa EMMP.

Eby'enjigiriza

Essomero "Naminya RC Primary School" liri mukuzimbibwa era nga kati liri mu kuserekebwa. Naminya Nursery School yatekebwa mu mikono gya gavumenti y'ebitundu y'e ggombolola lya Wakisi.

Ekizimbe ky'ebibiina 10 ekizimbibwa ku Naminya RC primary School.

Entekateeka y'okuyamba abatesobola.

Oluvanyuma lw'okuzuula abantu abatesobola mu byalo pulojekiti mwezimbibwa wamu ne Naminya we basenza abantu n'ebyalo bye Namilyango ne Nakimboledde ebyasenza abantu abasengulwa , BEL kati eyamba abantu 356 abatesobola.
Nga etandikwa, abatesobola baawebwa ebintu ebikozesebwa awaka nga ebiddomola, amabaafu, obutimba bw'ensiri, ebikopo, amasowaani, amasefuliya, bulangiti, sabbuuni, emifaliso n'ebitanda.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Omu ku batesobola mu bugwanjuba bwa Namizi nga afuna obuyambi.

Eby'obulamu.

BEL ewadde amalwaliro abiri obuyambi.(Kalagala ne Ivunamba HCIIs). Eggawadde n'ebikozesebwa mu malwaliro. BEL ekyateesa ku ky'okutumbula omutindo gw'ebizimbe bya Wakisi HCIII e Mukono ne Budondo HCIV e Jinja.

Ebikozesebwa by'eddwaliro eby'enjawulo ebiweredwa eddwaliro lya Ivunamba HC II

Amazzi

BEL etekateeka okutuusako ebyalo pulojekiti ezimbwa mweri amazzi ng'egayisa mu nseke(pipe) . Entegerekana ne NWSC yatukibwako ngera NWSC egyakuyambako BEL mu kugukola. Omukugu yawandiikibwa era ensonga yatandika okuzeetegereza. Alipoota ey'okwesigamako mu kutandika omulimu guno yafulumiziddwa nga kati eri mukwekenezebwako.

Eby'obulamu bw'abatuuze n'akawuka/obulwadde bwa sirimu

Ebibinja by'abantu abavunanyizibwa ku by'obulamu abayitibwa"Village Health Teams "(VHTs) nga bayambibwako BEL, benyigidde mu kawefube w'okuddabriza obulamu bwabantu okugeza nga okugaba obupiira (condoms), okusomesa abantu eby'obulamu n'omugaso gw'obuyonjo, okukumakuma abatuuze okujumbira emirimu egikulakulanya eby'obulamu n'okugaba amadagala g'omusujja.

Okusobola okubunyisa ebikwata ku kawuka n'obulwadde bwa siriimu, BEL awamu ne TASO zisomeseza abavuka 83 abatakyasoma (10 okuva mu buli kyalo pulojekiti mweyitira ate 3 baava Naminya) okusomesa ab'omubyalo byaabwe. Buli omu ku bavubuka bano ayina okusomesa amaka agali wakati wa 30 ne 40.

Okutumbula eby'obusubuzi

Okusobola okutumbula ebyobusubuzi, "Uganda Finance Trust" yaalondedwa okuyamba bizinensi zino okuyimirirawo. BEL yatandise okukulakunya ebifo abatuuze webasobola okufuna okuwabulwa mu bizinensi zaabwe mu maggombolola ga Wakisi ne Budondo. Okutereeza ebifo bino kwatandikidwa era nga ebyetagisibwa bigya kutekebwamu ng' okubizimba kuwedde.

Entekateka y'okusimba emiti

Okusimba emiti ku mbalama z'omugga kwaggwa oluvanyuma lw'okusimba ku hekiteya 444 ku mbalama zombi ez'omugga Kiira. Hekiteya 176 zasimbwako emiti ku lubalama lw'ebuvanjuba (Namizzi west paka Bulondo) ate 91 ku lw'ebugwanjuba. (Naminya-Kiira paka Namiyagi) ne hekiteya 177 ku lw'ebugwanjuba mu Kayunga disitulikiti (Mirembe paka Kasambya). Emiti egy'ebika eby'enjawulo 725,305 gyasiimbibwa mu biseera bisatu. Emiti gino gikyalabirirwa okulaba nti gikumirwa ku mutindo.

BEL yaagaba endokwa z'emiti 90680 egy'okusimbibwa eri abatuuze b'omubyalo pulojekiti mwezimbibwa. Mu miti gino mwalimu egy'ebibala emiyunge n'emiti gy'embawo nga emivule, emisizi n'egulivaliyo.

Eby'obulimi

Omulundi gw'okugaba ebisolo ogwasooka gwaggwa mu mwezi gw'omusanvu mu mwaka 2009.
Ebibinja by'abantu 61 nga kyenkana buli kibinja kirimu abantu 20 byebyayambibwa. Omugatte, mu byagabibwa mwalimu embuzi enkazi 248, embuzi enzungu ensajja 10, embizi 134 n'obukoko obuto 7345.
Ebyetagisibwa mu kulunda nga eddagala ly'enjoka n'amalagala amalala nabyo byagabibwa. Ebibinja ebirala 22 byalondebwa era omugatte

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

gw'ebibinja kati guli 83. Enfuna y'amagi eri wakati wa 50% ne 75%.

Abasenzebwa e Naminya benyigidde mu pulogulaamu y'ebyobulimi. Kubo 13 bawereddwa obukoko obubiika 100 buli omu awamu n'ebikozesebwa nga ebisususuunku by'emwaanyi, obuyumba bw'obukoko obuto, amanda, ebirirwaamu n'ebinywerwaamu enkoko, amataala, addagala ly'enkoko, n'emmere y'enkoko.
Abasenze bano bezimbira ebiyumba by'enkoko.

Omulimi ng'alima olusuku lweyasiimba ng'ayambibwaako BEL.

PAP e Naminya ng'alongoosa olusuku lwe.

Akatale

BEL erina entegeka ey'okuzimbira abatuuze b'omikitundu pulojekiti mwezimbibwa akatale mwebanatundiranga ebirime byabwe. Abaguzi basubirwa kuva mu bakozi abazimba ebbibiro.
Ettaka mu kyalo Malindi lyagulibwa era BEL etegeka kufuna anazimba katale kano.

Okutendekera abatuuze mu byalo

Awamu n'okusomesa abavubuka, BEL eteekateeka kusomesa batuuze b'omubyalo pulojekiti mwezimbibwa okusobola okukuguka mu mirimu egimu ekinayamba ezadde ly'enkya n'okutumbula embeera zaabwe. Emirimu egy'etagisa okukugukwaamu gyanonyelezedwako nga mwemuli okukola ku by'enviri, okusimba emiti n'ebimera ebirala ku ttaka lyelimu, okubajja, okukanika amagaali n'epikipiki, okufumba eby'okulya nga keeki ,okukanika ebyalaani by'amasanyalaze, okutendeka abalabirira abatasobola kubeera boka n'okukola sabbuuni.
Abantu abaalina obwetavu bw'okutendekebwa bawandiikibwa. BEL eteekateeka okuwa omukisa abo abetaaze okutendekebwa era ekyasalawo emitendera gy'okubatendekeramu.

A bakozi ba BEL nga basisinkana abavubuka abatendekebwa NVI.

Okwebuuza n'okusomesa abatuuze ku bikwata ku pulojekiti.

Enkiiko eziwera zakolebwa nga omulamwa gwaazo gwaali gwa kubuuza batuuze n'okubamanyisa ku bikwata ku pulojekiti.
-Olukiiko lwatulibwaamu n'abakulembeze b'omubyalo ebiriranye Naminya (Namilyango ne Nakimboledde) omwasengwa abaseengulibwa owazzibwa pulojekiti .
Omulamwa gw'enkiiko gwaali gwa kuzuula enkulakulana BEL z'eyiinza okuyimirizaawo mu batuuze b'ebifo bino. Mu nsonga ezaamenyebwa mwalimu okukulakulanya omutindo gw'engudo, okwongera ku muwendo gwa zi nayikondo, okuyamba abatesobola ate n'okutusaako abantu amasanyalaze. Ebyalo byalambulwa okusobola okuzuula enkulakulana BEL z'eyinza okutandikawo okusobozesa abantu abangi okuganyulwamu. Okutumbula omutindo gw'engudo ky'ekimu ku by'okukolwa ebyasalibwawo.

-Enkiiko ez'okutumbula pulojekiti zaatulibwamu n'abakulembeze ba Wakisi ne Budondo. Abakulembeze baategezebwa ku pulojekiti bwe yali eyimiridde awamu n'enkulakulana ezaali zitekebwawo mu byaalo byaabwe.

-Olukiiko olukwata ku nkozesa y'ettaka lya pulojekiti eritakozesebwa lwatulibwaamu n'abatuuze ba Naminya. Abatuuze bano baaweebwa olukusa okukozesa ettaka lino.

Pulogulaamu y'ebyobuvubi

Okuyamba abavubi okukola omulimu gwaabwe kukyagenda mu maaso. Abavubi b'okumbalama z'ebuvanjuba n'ebugwanjuba

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

baweebwa amaato 30 ag'okuvubisa. BEL eyambyeko abavubi okwewandiisa ne dipatimenta z'ebyobuvubi eza Mukono ne Jinja disitulikiti. Kino kiyambako okwekaanya abavubi envuba gye bavubamu awamu n'okukendeza envuba embi eziretera omutindo gw'ebivubwa okukka. Abavubi 41 ab'olubalama lw'ebugwanjuba ne 34 ab'okulwebuvanjuba bawandiikibwa bebakawandiisa nga bayambibwako BEL.

O muvubi nga akozesa erimu ku maato ne life jacket ebyabaweebwa BEL.

Eby'okulambula

Eby'obuwangwa

Okuzimba ekungaaniro ly'ebyobuwangwa e Itanda ku lubalama lw'omugga olw'ebuvanjuba kukyanonyerezebwaako newakubadde obukuubagano mu by'obufuzi bwa Busoga bulemeseza ekiteeso kino okumalirizibwa.

Okwekaanya okutandikirwaako.

BEL eri mu kukozesa ebyaava mu kwekaanya ennyo ku by'obulambuzi okusobola okuteekawo enkola ey'okutangira amataba n'ebiyiriro bya Bujagali okubbira ekiyinza okuva ku kuzimba pulojekiti ate eky'obulabe eri eby'obulambuzi. Abamu ku badukanya eby'obulambuzi baatekeddwa mu pulogulamu y'okuzaawo embera zabantu (livelihood restoration programme).Bano bajja kuganyulwa mu bikozesebwa mu kulima n'okulunda ebiweebwa abatuuze b'omubyaalo pulojekiti mwezibimbwa.Abalala bajja kuggatibwa ku pulogulamu ya "micro credit", abaalala basomesebwe okukuguka mu murimu egitali gimu ate abandi bagatibwe mu pulogulaamu z'okuyimirizaawo ebyenfuna.

Emyaalo egiyingira n'okufuluma omugga

Okuzimba amadaala ag'enkokoto ku mwalo oguyingira omugga aga NRE(NileRiver Explorers) e Namiyagi kwawedde.Omuziimbi waago ali mu kutereeza kaserengeto awamu n'okunyweeza agasakaate g'ebyuuma agakwaata amaatto ku mwalo nga BEL bw'egagala. Okuzimba kw'okumwalo gwa NRE e Nazigo,Kilindi mu disitulikiti ye Kayunga ogufuluma omugga kutuuse ku kuserekebwa era nga kusubirwa okuggwa okuzimbwa mu gw'ekumi gwa 2009 nga gugwaako.

a madaala ga NRE ag'enkokoto e Namiyagi-distilukiti ya Mukono.

Ebitwetoloode, eby'obulamu n'ensonga z'okwekuuma.

Okulabiriza kazaambi, amazzi g'omugga n'agokunywa.

Okwekaanya entakera kazambi, amazzi g'omugga n'aganywebwa kukolebwa Salini okusobola okukuuma omutindo ogwagalibwa mu nsi.Amazzi g'okunywa n'agomugga go gali ku mutindo guno naye kazambi ku bbibiro ne camp site ye tanatuuka ku mutindo gw'ebyobulamu ogwetagisibwa (BOD,COD ne TS/S).Salini ekola kyesobola okulaba nga elongoosa mu nkola y'ebyuma ebirongosa kazambi ono.

Okuddabiriza ebisaniiko

Ebisaniiko eby'obulabe n'ebitali byabulabe bikolebwa ku bbibiro. Mukoka yenna atali wabulabe ng'ebipapula n'embaawo akozesebwa oba asulibwa ku kunganyizo lya kasasiro e Jinja Municipal council. Mukoka ow'obulabe akunganyizibwa abo abavunanyizibwa

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534

Awakunganyizibwa kasasiro owa buli kika ku bbibiro.

Abagenyi

-Abakiise mu lukiiko olukulu olw'egwanga(ab'akakiiko keby'obutonde) baakyalira ekifo kya pulojekiti okulaba edaala eritukidwaako mu kugizimba.

-Abantu kikumi baava mu buli kyaalo kw'ebyo pulojekiti mwezimbibwa okwelabirako ku kikoleddwako ku pulojekiti.

Emirimu egitegekeddwa emyezi esatu egigya.

-Okusomesa okw'amanyi ku nzaala ya kizaalaggumba. (family planning).
-Okugabira abantu entandikwa mu kulima n'okulunda(ebisoro n'ebirime).
-Okwongera okuwa obuyambi abatesobola nga amasiga agakekereza enku.
-Okulaga ebitundu owaasiimbwa emiti ate era n'okugikuuma nga tegitemwa ate nga giri mu mbeera nnungi.
-Okusomesa abantu ku kuuma ettaka nga baziyiza mukooka(soil erosion control) n'ebimuleeta.
-Okusomesa abavubi ku nvuba ennungi.

-Okutumbula omutindo gw'amalwaliro(Budondo ne Wakisi)
- Okuzimba emyalo gy'obuvubi.

Bujagali Energy Limited
PO Box 186, Jinja,
8 km Kayunga Road, Kikubamutwe,
Phone +256434132532/3 Fax +256434132534